**27th November 2016.**

# BAGANDA BA YUSUFU BAGENDA E MISIRI.

**Olubereberye 42,43.**

Nga bwe twalaba mu ssuula eya 41 nga Falaawo amaze okufuula Yusufu omufuzi mu Misiri era ng'amuwadde obuvunaanyizibwa ku buli kintu mu Misiri; ku mulundi guno tugenda kulaba ebimu ku byava mu mbeera eno ebikwasaganyiziddwa n'okwagala kwa Katonda eri abalonde be.

**42:1-5** Tulaba enjala nga egwa e Kanani; eyali ensi ensuubize era nga Yakobo okugisengamu yaluŋŋamizibwa Katonda.

Katonda aweereza obugabirizi mu ngeri ez'enjawulo. Yaggulawo oluggi lw'okugabirira ab'ennyumba ya Yakobo okuva mu njala eyagwa e Kanani.

Tumanye nti newankubadde tuli wakati mu bisuubizo bya Katonda tusobola okusisinkana okugezesebwa; newankubadde Kanani yali nsi nsuubize naye Katoda yaganya enjala okutuukayo kubanga yalina ekigendererwa okuyita mu njala eno.

Tetwevumanga Katonda ne bwe twesanga mu mbeera enkakali mu kuyitibwa kwaffe wabula tumusabe atuwe okuluŋŋamizibwa n'obuvumu okuyita mu mbeera eyo. Yakobo 1:2-4

**42:6-28** Yusufu afuga Misiri, yaaguza abantu emmere; ategeera baganda be naye bo tebamutegeera.

Tube n'okukkiriza nti Katonda ateekateeka obuyambi ne mungeri gyetutasuubira.

Tuyige obutaggya maaso gaffe n'esuubi lyaffe ku Katonda nti buli kintu kyaffe akimanyi era yaali mu bufuzi ne mu bukulembeze ne mubatakkiriza yaafuga.

Baganda ba Yusufu baamutegeeza nti beesimbu era boogera ku Benyamini muto waabwe, kitaabwe Yakobo wamu ne Yusufu gwebaali bamanyi nti yafa. Era boogera ku Yusufu n'emitima egimenyese olw'okumutunda.

Tulaba Yusufu ng'alaga okwagala eri bagandabe newankubadde nga baamutunda era nga abalaga obulungi kubanga yabasonyiwa.

Tuyiga okusonyiwa abantu abatukyawa era n'okukola obulungi eri abo abatukola obubi. Matayo 5:43-48

Tumenyenga emitima gyaffe olw'ensobi zaffe. Era tusabe Katonda atuyambe nti ebibala by'okukyuka kwaffe binaaliibwako abalala.

**42:29-38** Batabani ba Yakobo baddayo e Kanani, battottolera kitaabwe ebyababaako e Misiri naye tebaamubuulira mazima ku byebaalowooza nga bajjukidde Yusufu.

Twogere amazima mu bulamba bw'ago. Katonda tasobola kutuleka kwekuumira mu kibi ssinga emitima gyaffe giba gyegguddewo okukivaamu.

Twetaaga amazima mu buli kyetukola ng'abaana awaka, abakulembeze, abafumbo, abaweereza agatali gaakwogerabwogezi naye nga tugakola.

**43:1-14** Tulaba nga enjala enyinyiitira, tulaba Yuda nga awaayo obulamu bwe ku lwa Benyamini wamu n'okutaasa ab'ennyumba ya kitaawe.

Tulaba Yakobo ng'alaga abaana be amazima ng'abalagira okuzzaayo ensimbi ezaddira mu bigugu byabwe.

Yakobo abasabira omukisa era awaayo byonna eri Katonda era yeesiga Katonda nti mwesigwa era nti olw'obwesigwa bwa Katonda, Benyamini banaakuumibwa.

Yuda atuyigiriza okwagala okw'okwewaayo okuva mu kukyusibwa Katonda. Bwe tweesiga Katonda tuta ne bye tulowooza nti bya muwendo mungi.

Era tulaba nti essuubi lyaffe teririna kubeera mu bantu be twagala wabula mu Katonda.

Mu buli kintu kyonna kyetukola tujje amaaso ku bantu tugatunuulize Katonda kubanga Ye mwesigwa era nga bwetumanya nti Ye mwesigwa tumweesiga ate ne tweesiga n'abalala kubanga Ye alaga obwesigwa bwe n'okuyita mu bantu abalala.

**43:15-25** Yusufu agabula ekijjulo, bagandabe tebannamutegeera.

Baganda ba Yusufu balaga obukyuufu mu ngeri gyebaakomyawo ensimbi wamu n'okutuusa ekirabo okuva eri kitaabwe.

Era tulaba nga baganda ba Yusufu baasalawo okubeera abeesigwa newankubadde nga kitaabwe teyabawondera kulaba oba nga ebirabo n'ensimbi bituuse eri Yusufu.

Obwesimbu n'obulamu obukyuuse tebikoma ku kuba nti tunaalondoolwa wabula nti ne bwetuba nga tetulina batulondoola tusigala nga tuli beesigwa.

Tulina okusaba Katonda okutukyuusa nti bwe tusisinkana abaatulaba nga tetunnalokoka balaba enjawulo.

**43:26-34** Yusufu afaayo okumanya oba kitaawe mulamu, era akola baganda be obulungi.

Baganda ba Yusüsfu bavunnama, balya ekijjulo era basanyukira wamu ne Yusufu.

Basanyuka ne Yusufu naye tebannamutegeera nti ye ye. Ekitundu ky'olugero luno kyogerwa Siteefano mu Bikolwa b'Abatume 7:9-13.
Mu kyawandiikibwa kino tulaba Yesu Kristo ng'atwebikkulira okuyita mu Yusufu.

1. Yatundibwa baganda be.
2. Bwe baamusisinkana omulundi ogwasooka tebaamuteegera era nga ne Yesu bwatategeerwa Abayudaaya nti ye Kristo.

Abayudaaya obutateegera Kristo bwava ku bintu bingi gamba nga engeri gye yazaalibwaamu, engeri gye yali yeyisaamu gamba nga okulya n'abawooza b'omusolo era gattako n'enjigiriza ye.
Baalina ekifaanayi kirala eky'omulokozi era nga bye baalina mu ndowooza zaabwe byaasiikiriza amazima newankubadde nga Yesu yakola ebyamagero bingi mu bo. Nga kw'otadde okufa wamu n'okuzuukira kwe.
"Kyokka newaakubadde Kigambo oyo ye yatonda ensi, ensi teyamutegeera. Yajja eri abantu be, naye abantu be ne batamusembeza. Yaye bonna abaamusembeza, yabawa obuyinza okufuuka abaana  ba Katonda; be bo abakkiriza erinnya lye." Yokaana 1:10-12

Naffe tuyinza okukuŋŋaana netutendereza, ne tunywa ka chai nga service ewedde era netulaba obulungi bwa Mukama naye netumala nga tetumutegedde kubanga tulina ekifaanaanyi kirala kye twagala alabikiremu gamba nga okubeera omuwonya, omugagga waffe n'ebifaanayi ebirala bingi.

Naye tukimanye nti ekifaananyi mwalabikira ate obulungi ky'ekyo mwalabikira ku musaalaba.
Ekimu ku bifaananyi ebisiigibwa Dawudi ye Zabbuli 22 era nga eraga ebimu kubifaananyi by'omulokozi. Zabbuli 22:13-19.
Tuyize okukyusibwa, okubeera abeesigwa era n'okwesiga Katonda, okwagala balabe baffe era n'okubakola obulungi. Leka bibeere essaala yaffe gyetusaba Katonda buli lunaku.
Naye n'ekisinga byonna nti tunaategeera Kristo kubanga bwetunaamutegeera ebyo bijja kusoboka kubanga bibala okuva mw